# Ebimera bitaano eby’ebibala by’osobola okwanguyirwa okulima mu buyinja, omusenyu oba amazzi.

Ekibala kiyitibwa bwe kityo bwe kiba nga kiva mu kimuli. Wamu n’ebirime ebirala nga obummonde, kaamulali ne bbiringanya, ennyaanya nazo zigwa mu lubu lw’ebimera ebimulisa obumuli obweru, obwa kyenvu oba obwa kakobe (biyite nightshade).

Ennyaanya zisobola okulimwa nga osiga ensigo z’ennyaanya, okuzisimba nga okozesa ensimbo oba okugula endokwa. Ennyaanya ezirimiddwa ku mu ttaka ziyinza okuba n’obuwuka obuzirwaza, ate nga buno busaasaana mangu nnyo mu nkola ey’okulimira mu buyinja, omusenyu oba amazzi. Ennyaanya zisobola okwawulwamu ng’ebirime ebirina obuwanvu bwe bikomako nga bikula oba ebitalina buwanvu bwe zikomako mu kukula.
Mu ekyo nti ennyaanya ez’ekika ekirina obuwanvu bwe kikomako nga kikula zirimwa bulungi nnyo mu bifo ebifunda.
Ebirime ebitalina kkomo ku buwanvu bwabyo nga bikula, bikula nga ebiranda era byetaaga okubirandiza, era bisobola okuvaamu amakungula amangi. Zikula bulungi mu budde obuwanvuko mu ssaawa kkumi na bbiri okutuuka ku ssaawa kkumi na munaana.

## Kaamulali ow’ebika eby’enjawulo

Kaamulali ow’enjawulo asobola okusimbibwa nga okozesa ensigo, ensimbo, endokwa wamu n’okumulima mu nkola ey’okulimira mu musenyu, obuyinja oba mu mazzi. Kaamulali yenna asobola okulimibwa mu nkola ey’emirandira obutabeera mu ttaka wabula okukulira mu mazzi agatabuddwamu ebiriisa wamu n’omukka ogw’obulamu oguyitibwa oxygen. Endokwa zisimbibwa mu mabanga ga ssentimmita ana mu ttaano okutuuka ku nkaaga okuva ku ndokwa emu okudda ku ndala. Abalimi bangi basemba eky’okukozesa ebirungo ebitabuddwa naye nga bisaabulule mu kulima kaamulali ow’enjawulo.

# Ebibala ekika kya strawberry

Awalala, ebibala ekika kya strawberry bisembebwa okulimwa mu nkola ya nutrient film technique ebeeramu okulimira mu mazzi amampi agatabuddwamu ebiriisa ebyetaagisa ekimera okukula. Osobola okulima ebibala bino nga otandika na nsigo, okukozesa ensimbo oba endokwa. Okufuna ebimera ebinaakuwa amangu ebibala, endokwa zifune mu bazitunda abamanyiddwa nti balungi. Enkola ez'okulimira mu biyumba zisaana kukozesa ngalo okuwakisa ebimuli.

Embeera esinga obulungi mu kukula kw'ebibala bya strawberry y'eyo erimu ebbugumu eriri waggulu wa ddiguli kkumi na munaana. Obudde bw'ekiro obulimu obuweweevu bwa ddiguli ezikka wansi w'ekkumi nabwo bulungi kubanga bw'ongera ku kawoowo n'obuwoomi bw'ebibala bino.

# Ebibala bya Goose berry ne meroni

Amakungula agasooka ag'ebibala bya goose berry ekika kya cape gafunibwa mu myezi etaano oluvannyuma lw'okusiga. Okusimbuliza endokwa ento okuziteeka mu nkola ey'okulimira mu mazzi kukolebwa oluvannyuma lw'okuyonjeza ddala emirandira. Ekibala kiba kituuse okunoga oluvannyuma lw'ennaku nsanvu ku kinaana bukya kuwakisa kubaawo okw'ebimuli.

Ku mmeroni, okulondamu ekika eky'okulima kusinziira ku bino wammanga; obutuukire bw'ekika kya mmeroni ku mbeera y'obudde wamu n'okulaba nga ekika ekyo tekirumbibwa bulwadde bw'olukuku obuleetera mmeroni okuvunda, obumanyiddwa nga mildew obw'ebika eby'enjawulo. Ekirungo kya potassium ekingi ky'ekikubirizibwa okubeera awalimirwa mmeroni okuzisobozesa okumulisa obulungi wamu n'okubala okulungi okw'ebibala.